***P360/1***
***LUGANDA***
***(GGULAMA)***
***EBYOBUWANGWA***
***N'ABAWANDIISI)***
***Paper 1***
***July /Aug 2018***
*2 ½ hours*

**ACEITEKA JOINT MOCK EXAMINATIONS 2018**

**UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION**

# LUGANDA

## (GGULAMA, EBYOBUWANGWA N'ABAWANDIISI)

**Paper 1**

**Essaawa Bbiri N'ekitundu**

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu;* **A**, **B** *ne* **C**.

*Mu kitundu* **A**, *ebibuuzo byonna bya buwaze.*

*Mu kitundu* **B**, *oweereddwa eby'okulondako.*

*Mu kitundu* **C**, *ddamu ekibuuzo kimu kyokka.*

*© Aceiteka Joint Mock Examinations 2018* 

**EKITUNDU A**

***Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu kino.***

**1.** (a) Nnyonnyola amateeka g'empandiika y'Oluganda entongole agamenyeddwa mu mboozi eno.

Kamulali gwe baatandiikiriza empola okurya yabaasimusa eggulo, leero tebamukombyeeko. ***(Obubonero 05)***

(b) Ddamu owandiike sentensi ezikuweereddwa ng'ebikolwa ebirimu obifudde ebikolwa ebiyambi/ebiteemala.

(i) Tusoose mirimu

(ii) Bajja e Masaka

(iii) Ova wa?

(iv) Mala omuzannyo ***(Obubonero 06)***

(c) Ddamu owandiike sentensi ezikuweereddwa nga nakongezalinnya ezirimu ozisikizza nakongezalinnya ezibuuza.

(i) Yaguze ekiteeteeyi ekiddugavu.

(ii) Baagula enkoko nnyingi.

(iii) Olina ensonga ey'essimba?

(iv) Omusomesa wammwe agenze. ***(Obubonero 04)***

(d) Amannya agakuweereddwa wammanga gasse mu bungi.

(i) Olugwanyu.

(ii) Omululu.

(iii) Enkwenge. ***(Obubonero 03)***

(e) Laga embu z'ebigambo ezeeyambisiddwa mu katundu ako nga buli lubu lw'owa oluwaako n'ekyokulabirako okuva mu katundu.

Mu lugero luno olukwata ku kubuuliriza kw'omusango ogukwata ku butemu, tuyigiramu ebintu ebikulu bisatu. Ekisookera ddala lulaga nti amazima tegeebulizaayo ne bw'ogabikkirira, era ekiseera kituuka ne geeyerula. ***(Obubonero 07)***

(f) Gatta sentensi ezikuweereddwa wammanga nga weeyambisa nakasigirwa entabaluganda enkozi n'ekolebwako era ozisazeeko.

(i) Tulidde omuceere ku mbaga nga guwooma era gunsigaddemu.

(ii) Baaguze akabuzi kyokka kabuze era tukalanze ku kizindaalo ky'ekyalo.

(iii) Tusibye endiga ku ttale ng'enyeenya omutwe naye teromera. ***(Obubonero 02)***

(g) Nga weeyambisa ebyokulabirako, nnyonnyola engeri bbiri(2) ze tweyambisamu akabonero akawummuza. ***(Obubonero 02)***

## EKITUNDU B

*Kola nnamba* **2**, **3** ne **4** ng'ogoberera ebikuweereddwa

*Kola* **2(a)** *oba* **2(b)**

**2.** (a) Emizannyo kye kimu ku buwangwa bw'Abaganda.
Nyonnyola ku bukulu bwagyo. ***(Obubonero 20)***

**Oba**

(b) Laga ebikolebwa mu kulanya kw'Omuganda. ***(Obubonero 20)***

*Kola* ***3(a)*** ne ***3(b)***

**3.** (a) Nnyonnyola amakulu agoomunda ag'ebisoko ebikuweereddwa wammanga. ***(Obubonero 10)***

(i) Okubeera ku yoleke

(ii) Olumbe okukwera ekyenyi

(iii) Ensimbi okukuyita mu myagaanya gy'engalo

(iv) Okwogerera ku kizigo

(v) Okuwala enswaswa ku lwazi

(b) Ebisoko ebikuweereddwa bikozese mu sentensi eziggyayo obulungi amakulu gaabyo. ***(Obubonero 06)***

(i) Okweyolera empiri mu bunnya

(ii) Okusala ag'enkolwa

(iii) Okusa emmambo ku maaso.

4. (a) Maliriza engero ezikuweereddwa nga bwe zoogerwa. ***(Obubonero 06)***

(i) Balikuba ku nda eridde........................................................................

(ii) Wambwa aludde...................................................................................

(iii) ..............................................................................tebukya ku mwoyo.

(b) Nnyonnyola amakulu g'engero nnya(**4**) agoomunda ku zikuweereddwa wammanga. ***(Obubonero 08)***

(i) Amaanyi ammemanye gamala ebita embuga

(ii) Obulungi si ddya

(iii) Omukka omungi guyuza akawago

(iv) Lusala ekyayi luleka munyeera kusaasaana

(vi) Nnawolovu tafiira ku bbala limu

## EKITUNDU C

Ddamu ekibuuzo kimu (**1**) okuva mu kitundu kino ng'okiggya mu nnamba **5**, **6** oba **7**

Kola **5(a)** oba **5(b)**

**5.** (a) Emu ku ngeri Kaswa gy'akoloredde eggwanga lye kwe kutumbula Oluganda. Nyonnyola bulungi ku nsonga eno. ***(Obubonero 20)***

**Oba**

(b) Laga obukulu mu nsonga Kaswa z'asimbyeko ebitabo bye mu kukulaakulanya ensi ye. ***(Obubonero 20)***

Kola **6(a)** oba **6(b)**

6. (a) Nnyonnyola ku bigendererwa Busuulwa by'afaanana okuba nabyo mu kuwandiika ku byobuwangwa mu bitabo bye. ***(Obubonero 20)***

**Oba**

(b) Busuulwa awa atya omusingi omuggumivu mukukulaakulanya ensi ye? ***(Obubonero 20)***

Kola **7(a)** oba **7(b)**

7. (a) Bw'osoma ebitabo bya Matovu tobaamu kubuusabuusa nti ddala munoonyereza. Nnyonnyola ng'okakasa endowooza eno. ***(Obubonero 20)***

**Oba**

(b) Nnyonnyola ku bintu ebyenjawulo ebiyamba Matovu okuba n'obusobozi bw'okuweereza mu biti ebitali bimu. ***(Obubonero 20)***

**BIKOMYE WANO**

*© Aceiteka Joint Mock Examinations 2018*